

# **CBM Uganda**

## **AB'OLUGANDA MU YESU**

### **EBIKULU MUMAZIMA BA BAIBULI**

#### **BAIBULI**

#### **ENDAGIRIIRO Y'OBULAMU**

Akatabo kano kakuwa okudiibwamu eri ebibuzo bino:

1. Baibuli kye ki?
2. Tusanye okukiriiza Baibuli?
3. Lwaki twandisomye Baibuli?
4. Baibuli etuyamba etya?
5. Baibuli egamba ki ku y'omumaaso?

Tewali kitabo kyonna kyoyinza okugerangeranya ne Baibuli. Abawandiisi amakumi ana be ba kozeseeba - Abamu kubano bali ba kabaka, banabbi, bakabona, abakulembeze, abasaawo, abavubi oba abasumba. Bawandiika mubbanga ery'emyaka 1600.

Kitabo kyanjawillo. KIGAMBO KYA KATONDA "Era ekisinga obunywevu tulina ekigambo kya bannabbi; mukola bulungi okukiraba ekyo, ng'ettabaaza eyakira mukifo eky'ekizikiza, okutuusa obudde bwe bulikya emmunyeenye ekeesa obudde n'eyaka mu mitima gyammwe: ngamumaze okutegeera kino, nti buli kigambo ekyabannabbi ekyawandiikiba tekitegeeza kukoma kwoyo yekka. Kubanga siwali kigambo kyabentinabbi ekyali kireeteddwa mu kwagala kw'abantu: naye abantu baayogeranga ebyara eri Katonda, nga bakwatiiddwa Omwoyo Omutukuvu" (2 Peet. 1: 19-21).

"Buli ekyawandiikiba kirina okuluhhamya kwa Katonda" (2 Tim. 3: 16).

Baibuli sibwebutabotabo buno obwabulijjo, telimu endowooza zabantu. Muyo, Katonda aba ayogera naffe. Tandiika okusoma Baibuli leero.

#### **LWAKI WANDISOMYE BAIBULI LEERO?**

Mu Baibuli mwoka mwetuyinza okutegeerera ku Katonda soma obunyiriri buno wansi. On'oba owliriiiza Katonda nga ayogera naawe.

"Kubanga ggwe, Mukama, oli mulungi, oyanguwa okusonyiwa, Era ojjula ekisa eri abo bona abakukowoda" (Zab. 86: 5).

"Katonda n'alaba buli ky'akoze; era, laba kirungi nnyo" (Lub. 1: 31).

"Eggulu lye ggulu lya MUKAMA; Naye ensi yagiwa abaana b'abantu" (Zab. 115: 16).

"Tobanga nabakatonda balala wendi" (Kuv. 20: 3).

"Obwenyi bwa MUKAMA buba ku abo abakola obubi; Amalemu okujukirwa kwabwe munsi" (Zab. 34: 16).

Bimeka ebimukwatako Mukama, byakutegezeeza munyiriiri ezo?

#### **BAIBULI ETUWA EKIGENDEREERWA KUBULAMU BWALLE.**

Buli lwetusoma Baibuli tubatwoogera era nga tuwuliriiza Katonda. Tuba tuyiga Katonda byayagala tukoole. Tuba tuyiga engeri y'okuberamu buli lunaku.

"Ekyigambo kyo ye ttabaaza eri ebigere byange, N'omusana eri ekkubo lyange" (Zab. 119: 105).

"Ne kaakano, Isiraeri, Mukama Katonda wo akwagaza ki wabula, okutyanga Mukama Katonda wo, okutabuliranga mu makubo ge gonna, n'okumwagala, n'okuweereza Mukama Katonda wo, n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, okwekuumanga ebiragiro bya Mukama n'amateeka ge, bwe nkulagira leero olw'obulungi bwo?" (Ma. 10: 12, 13).

Tusaba Katonda okutayamba bulijjo. "...tututwala mukukemebwa, naye otulokole mububi bwonna" (Mat. 6: 13).

#### **BAIBULI ETUWA OBUBAKA BUMU.**

Katonokatono bw'osoma Baibuli bulilunaku oja kulaba nti Katonda ayagala tumugondere.

Mu ndagaano en kadde tulinayo ebigobereera mu Kuvu 20: 1 - 17, ebiyitiibwa Amateeka ekkumi.

Era ebikuebyo nate tubisanga mu ndagaano empya, eky'okulabirako mu Matayo 5: 21 - 48.

Okusamyusa Mukama tulina okugobereera binno byonna. Bwoyongera n'ogenda mumaaso okusoma kubulamu bwabantu abo mu Baibuli olaba nti kyebabereranga kizibu okugondera Katonda.

Naye Yesu, omwaana wa Katonda, ye yekka omuntu eyasobola okugondera Katonda mu byonna.

Yesu yajjukira kinno nti "Omuntu taba mulamu na mmere yokka, naye olwabuli ekiva mukamwa ka Mukama omuntu kyava aba omulamu" (Ma. 8: 3).  
"Onootyanga Mukama Katonda wo; era oyo onoomuweerezanga era erinnya lye ly'onoolayiranga" (Ma. 6: 13).  
Ssoma Matayo ensula 4 olabe nga Yesu bweyagondera amateeka ganno.

E BYAFAAYO BIRAGA NGA BAIBULI BWEERI EYESIGIIBWA  
YESU yajjuliranga eby'obunnabbi ebimwoogerakko:  
"Nasookera ku musa ne ku bannabbi bonna, nabategeeza mu byawandiikibwa ebyo byonna ebyamuwandiikirwa ye" (Luk. 24 : 27).  
Binno byonna byatukiriira. Ekyokulabirakko waliwo obunnabbi obulala mu Baibuli obwatukiriira:  
· Ssoma Yeremiya 51 : 37 ne Isaaya ensuula 13 ne 14. Ebyo byonna ebyayogeerwa ku Babuloni byatukiriira.  
· Ssoma Ezeekyeri 26 : 4, 5, 12, 14. Kiki ekyoogerwa ku kibuga kya Ttuulo? Bunno bunnabbi obulala obwatukiriira.  
· Ekyamateeka olwokubiiri 28 : 64, 65 kitubuliira ku baana ba Isiraeri. Balisasaanyizibwa mu mawanga amalaala. Era kinno kitufu abaana ba Isiraeri, abayudaya, kumpi basangibwa mu buli nsi omulembe gunno.  
· Katonda yagamba nti ndikomyaawo nate abayudaya mu nsi yabwe Isiraeri.  
"Kubanga ennaku zija, bw'ayogera Mukama, lwe ndikusa nate obusibe bw'abantu bange Isiraeri...."  
(Yerimiya 30 : 3). Leero tulaba nti Abayudaya bangi badaayo munsi yaabwe - bunno obunnabbi okuwatukiriira.  
Baibuli yo tetubuliira kubyayita byokka naye naye ne ku by'omumaase. Tulaba nti byonna bye yayogerakko edda, byaliwo. N'olwekyo kitugwanidde okukiriiza n'obuvumu byonna Katonda byayogera ku by'omumaaso.  
Katonda talimba. Atubuliira kubiffo ebitifu, abantu benyini n'amawanga agaliwo kati. Baibuli yo ntuuu ddala.

BAIBULI ETUBULIIRA KUBINTU EBIGENDA OKUBERAAWO GYE BUJJAKKO.  
Katonda atubuliira nti binno byonna biri beraawo:  
· Talireka omulembe omwononefu kubereewo emirembe n'emirembe (2 Pet. 3: 10).  
· Alisindiika omwaana we Yesu Kristo, kinsi okusala omusango eri amawanga (Bik. 17: 31).  
· Alifuula Yesu okuba kabaka we ensi yonna (Zab. 2).  
· Bonna abawakanya kabaka balizikiriziibwa (2 Bas. 1: 18).  
· Abobonna abafuuka abagoberezi ba Yesu nga era balindiriira okuda kwe balilokoleebwa ne baweebwa ekifo mu bwa kabaka bwa Katonda (Bar. 2: 6).  
· Buliba obwakabaka obw'emirembe n'essanyu omuli emmere enyingi eri bonna (Zab. 72).  
Baibuli kye kitabo kyokka ekitubuliira ku bintu binno ne ku ntegeeka eneene Katonda gyalinayo eri ensi eno.  
Ssoma Baibuli leero olabe ebisingawo wano kubikwatagana ne kumbeerayo ey'omumaaso. Mu yokka mw'oyinza okuzuula engeri gy'oyinza okugabana ku ddembe n'emikisa mu bwakabaka bwa Katonda. Oyimza okuba omu kw'abo.  
Saba Katonda okukulembere nga bw'osoma era nga oyiga Baibuli.